Ensibuko Y'obubi bwonna

# AMAGEZI OKUVA MU BAIBULI KU SSENTE

Bw'onomala okusoma akapapula kano ojja
Kumanya okuddibwamu kw'ebibuuza binno:

1. Kiki ekyisibukako obubi bwonna?
2. Endowooza ya b'ensi ku ssente eri etya?
3. Endowooza y'omugoberezi wa Kristo ku ssente esaanye kuba etya?

1. Ssente ziyinza okuba Enungi oba embi
*"Ssente ye nsibuko y'obubi bwonna"* –
Abantu bangi babowooza nti y'ensomesa ya Baibuli. Naye si batuufu?
Ssoma Timoseewo ekisooka, essula y'o mukaaga, olunyiriri lw'ekumi. Lugamba nti *"Okwagala ebintu (ssente) kye kik-olo ky'ebibi byonna"*. Yesu naye atugamba ekintu ky'ekimu, *"Naye okweraliik-irira kw'ensi n'obulimba bw'obugagga bizisa ekigambo"* (Matayo 13:22).

Ssembe zo ku bwazo si mbi. Obulamu bw' aleero tebwandibade bulungi singa ssente tezaliwo. Emmere, Ennyumba, ngoye, oksoma n'ebirala, byonna byetaaga ssente. Ssente ziyinza okuyamba abalwadde n'abakadde. Naye ate, ssente ziyinza n'okukozesebwa okukola ebintu ebibi. Ssente ziyinza okuwa omuntu obuyinza eri bantu baane abalala, ne zimoletera okuba omwayagaze ate n'obukambwe. Ssente ziyinza okufuuka omwaami omuzibu, n'eziretera abantu obutali bumativu mu ebyo bye balina, n'okw'agala okwontera o;kufuuna ebingagga bw'ensi ebo obuvunda obuvunzi. Ssente zifuuka ekibi ekinene ennyo bw'ozi-kozesa omu kyaamu.

2. Endowooza y'ab'ensi ku ssente. Omuntu w'ensi aba n'ekigendererwa

kimu! Kufuma ssente nyingi nnyo n'ebintu ssente byezizobola okugula, mu ngeri esingayo obwangu n'obugonvu nga bw'ekisoboka. Kuno okululukanira ssente okwa buli kiseera b'ebintu by'ensi enno. Yesu abiy'ita "*okuyaayaana"*. Omuntu ayagala okuba owa Katonda tasaana kulubirira bintu bya nsi enno. Yesu yagamba nti: *"Obulamu bw'o-muntu si by'ebintu ebingi by'aba nabyo"* (Lukka 12:15). Waliwo abantu bangi abalina ebintu ebirungi nga: amayumba, Emmotoka, n'ebirala, naye nga munda balwadde ate nga tebalina ssnyu tuufu n'obumativu Paulo by'agamba nti *"kuganyolwa kunene"* Paulo era agamba nti: *"okuyaayaana Kifanaanako n'okusinza ebifananyi"* (Abakkolowaayi 3:5). Ky'ategeza kyiri nti omuntu w'ensi ebintu

by'alina oba by'ayagala, n'eyarabira Katonda Omu, Omutuufu, b'ifnufukira Katonda (ekyesitaazo).

3. Amalala

Waliwo abantu abagala obuwagazi okusanyusa abalala olw'ebitiibwa byaabwe bye balina, b'ebakozera ssente ne wezitasana ku kozesebwa. Amalala gano simalungi. Abantu bangi bakozesa ssente okusaka ekisaanye. Ku bintu bye bagula olw'okwagala okweraga. Owsi ne bagenda bafuna amabanja lwa butamatira ebintu ebitonotono bye baba nga balinabyo. Kabe tebalyinza kuyamba balala na ssende zaabwe. Kale olw'okwagala okweraga abantu banno *"bagwa mu kukemebwa ne mu mutego n'okwegomba okungi okw'obusirusiru okwonoona, okuunyika abantu mu kubula n'okuzikirira"* (1 Timoseewa 6:9).

4. Endowooza y’omugoberezi wa Kristo ku ssente.

Omugoberezi wa Kristo ssente zalina zisaanye okuba nga zava mu mirimu emirungi. Baibuli terina kigambo na kimu ekirungi eri abo abantu abesigamye ku banaabwe oba ku kanisa ate nga basobola kw’etusaako ebyo byebaba bagala boka. *"Omunut yenna bw’agaanangi okukola emirimu, n’okulya talyanga"* (2 Abasessaloniika 3:10). Paulo era awandiikira Abaefeso ng’abagamba nti: *"Omuntu oyo afubenga ng’akola ebirungi n’emikono gye, alyoke abeerenga n’eky’okumuwa eyeetaaga"* (Abaefeso 4:28). Paulo naye ky’akulabirako eri abo bonna abesigama ku balala Olw’eddini. Newankubade nga yali mulume, yakolnga emirimu n’emiko-no gye. Olw’obutagala ku kalubiriza abo be yali abulira enjiri.

Ssente okusoka okukozesebwa mu kufuna
Emmere n'ebyetaaga ebirala, ate
bwekiba kyetagisa okusimesa abana,
naye si ku byakwejjalabya. Abana
abalala tebafuna ky'akulya olw'akub-
aga taata ssente ezimalira ku mwange,
sigala (tuaba) oba olw'okuba nga
maama, ssente azigulamu ngoye
za bbeyi na kukola nuiri.
Abanta nga banno baba bonoona eri
Katonda.

5. Okuwa Katonda

Mu ndagaano enkadde Abayudaya Lawangayo
ku bye balina kimu kya kumi ku lw'emi
rimu gyaa yeekalu. Gunno gw'alinga musola
oguyingiziibwa okusobozesa okusasula emisaala
gy'abasomesa, abalamuzi n'abantu abalala
abasaana. Naye nga ekisangayo
ena obukulu mu byonna, Abayudaya
bawangayo mu ssanyu ssaddaaka ey'ebiwee-
bwayo mu butali buwalirize buu

lwe bagendanga okusala. *"So tebalabikanga mu maaso ga Mukama nga tebalina kimtu: buli muntu anaawanga nga bw'anaayinzanga, ng'omukisa bwe gunaabanga, ogwa Mukama Katonda wo gw'akuwadde"* (Ekyamateeka Olw'okubiri 16:16,17). Ssaddaaka y'obuwa obuwa ey'ebiweebwayo kya kulabirako eri abagoberezi ba Kristo. Paulo omuteme akubiriza abantu abakkiriza okutere kanga akantu nga mukama bwaaba ayambye olw'okusobozesa emirimu gya Katonda (1 Abakkolinso 16:2). *"Ku lunaku olw'oLuberyeberye ku nnuku omusanvu ekkanisa yakujjaananga okumenya omugaati"* (Ebikolwa By'Abatume 20:7). Lwe lwali nga olunaku kwe batoberanga ebiweebwayo binno. Kino kyali ekimu ku bintu ebikulu mu kujjaana kuno. Okuwaayo mungeri eno knutu akatomo akalaga okwebaza kwaffe eri Katonda olw'ekirabo Kye, ekyokuto-

sonyiyisa ebibi byaffe n'obulokozi ng'a-yita mu Yesu Kristo. Ekibiina tekyi-sobola kukola mirimu gya kyo bulungi nga tekirina ssente, naye zo zisannye okuba ez'ekyegagalive, so si tteeka. Zisaanye okuweebwayo n'essanyu okuua mu be kibiina (ekya bakkiriza) naye si kuzisaba abo abatali ba kibiina.

6. Obulungi

Owa Kristo omutuufu asaanye okubeeranga omuntu omwerigwa ate omulungi ennyo eri kubikwatugana n'essente. Eri bokka abalinga banno Yesu baliwa *"oby'obugaga ebituufu".* Kwe Kugamba, obulamu obw'emirembe n'emurenbe mu bwakabaka bwa Katonda (Lukka 16:11). Mu kusasula ebbanja omugoberezi wa Kristo omutuufu asaanye okuba omwangu ate aterabira ku kikola kino. Ekyikwata ku mabanja, enkola yenno "Temubeeranga na bbanja lyonna eri

*omuntu yenna"* (Abaruumi 13:8). Owa Kristo alina okujjukiranga nti bwata Sasula ky'abanjibwa (okugynko ng'ali mu bwavu bungi nnyo) eri Katonda abalibwa nga munyazzi. Omukozi tasaanye kutwala oba kukozesa bintu bya mukamawe nga tamaze kufuna lukusa kuva gyali (Tito 2:10). Bulijjo bwetuba n'endowooza enungi eri ssente zaffe oba z'abantu balala, tulaga nga bwetuli abalungi eri Kristo.
Eky'aletera Ananiya ne Safira okuggwa Nkwaba mbi ey'essente (Ebikolwa By'Abatume 5:1-11).

7. Eky'okulabirako Ekyewunyisa.

Bwe yali ng'ayagala okutulaga eky'o Kulabirako ekikulu engeri y'okukozesamu ssente, ani mukama waffe Yesu gw'eyalonda nga eky'okulabirako? Naggaga awwayo ssente ennyingi ennyo mu Kuzimba amasomero n'amaddwaaliro n'amaterekero?

Nedda, eky'okulabirako kye yali nn'am-
wandu ayawaayo kodulante bbiri nga ekyiweebwayo kye: "Kyali kitono, naye nga kya muwendo okukyira byonna eby'aweebwayo ku lunaku olwo, Kubanga ekyo kye yalinakyo Kyokka. Omukazi ono kyakulabirako kinene eri ffe. Nnamwandu ono yakitegeera nti obuwereza eri Katonda kyali kikulu nnyo okusinga obugaagga bw'ensi.